

# Nnina obuzibu ku mutwe saagenderera kutta baana - Okello

Bya MARGRET ZALWANGO NE BENJAMIN SSEMWANGA



Okello ng'ali mu kaguli ka kkooti e Ggaba. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.



Okello bw'afaanana.

OMULAMUZI Alice Komuhangi Khaukha yasinzidde ku bujulizi bw'abantu 18 okulagira Christopher Okello okwewozaako ku by'okutta abaana ku Ggaba Early Childhood Development Center.

Yamutegeezezza nti okusinziira ku byaleeteddwa, kkooti yeetaaga ewulire oludda lwe ku byamwogeddwaako. Okello avunaanibwa okutta; Eteku Gideon, Ongwenworth Keisha, Ignatius Sseruyange ne Ryan Odeke nga April 2, 2026 bwe yalumba ekifo we bakuumirwa n'asala omu kw'omu.

Jonathan Muwaganya akulembeddemu oludda oluwaabi olwamazeeyo obujulizi bwa Keneth Angulu eyeekebejja ssimu ne laptop za Okello, n'ategeeza kkooti nti bamazeeyo obujulizi bwabwe. Omulamuzi yategeezezza Okello nti obujulizi obumuweereddwaako bumwetaagisa okwewozaako.

Yagambye Okello nti alina engeri ssatu mw'asobola okuyita okwogera eri kkooti okuli; okukuba ekirayiro ng'akutte bayibuli n'abuulira kkooti ebyaliwo wano ng'ajja kuba abuuzibwa ebibuuzo okuva ku ludda oluwaabi. Engeri endala ya butakuba kirayiro n'atabuuzibwa bibuuzo oba okusalawo okusirika. Omulamuzi yayongeddeko nti, mu ngeri ezo zonna alina eddembe okuyita abamuwolereza.

Okello yaweereddwa akaseera yeebuuze ku balooya be era oluvannyuma lw'essaawa kumpi nnamba n'ekitundu, baakomyewo omulamuzi n'ajjukiza Okello kkooti we yabadde ekomye kyokka Okello n'alondawo kwewozaako nga talayidde.

Okello yategeezezza omulamuzi nti alina abajulizi bana abagenda okumuwolereza kyokka nnamba zaabwe ziri mu ssimu ze ezaatwalibwa n'asaba bagimuwe azikeberemu. Wadde essimu zonna zaabadde zaaweereddwaayo nga ebizibiti, omulamuzi yagambye nti Okello wa ddembe okuweebwa ebyetaagisa mu kuwulira omusango mu bwenkanya era ne zimuweebwa.

Ofiisa wa poliisi Angulu yagiddwa okuleeta ssimu za Okello bbiri n'ak'amapeesa kyokka zaabadde zaazikira dda olwo ne bazicaaginga ku 'power bank' ne bawa Okello akebere nnamba.

Okello yawummuzza olupapula ne peeni n'akebera mu kasimu k'amapeesa nga bw'awandiika ennamba, oluvannyuma ne bamuwa essimu endala. Bino bakira bigenda mu maaso nga buli omu agamwegese okulaba ky'azzaako.

Yawandiise ennamba z'abantu bana kyokka omu yekka gwe yataddeko erinnya, wabula oluvannyuma lw'akafubo wakati w'omulamuzi n'enjuyi zombi, Okello yazzeemu n'awandiika era omulamuzi n'akakasa nti ataddeko amannya gaabwe.

Kyokka oluvannyuma nga byonna by'asaba bikoleddwa bwe yakomyewo okwewozaako, yasabye kkooti bamuddize ku ssimu ng'eriko yintaneeti nti alina by'agala okuddamu okukebera, kyokka omulamuzi n'agaana.



Angulu bwe yabadde awa obujulizi ku Lwokuna.

### OKWEWOZAAKO KWA OKELLO

Omuwawaabirwa awolerezebwa Richard Kumbuga ne Sarah Awelo.

**Kumbuga:** Nsoose kwogerako na bajulizi baffe era tuli beetegefu okugenda mu maaso.

**Omulamuzi:** Twakomye nga Okello agambye agenda kwewozaako nga talayidde era alina abajulizi be bana.

**Kumbuga:** Leero tulina abajulizi babiri.

**Omulamuzi:** Baveewo wano tujja kubayita. Mr Okello wasuze otya? Wagambye tojja kulayira tutandike. Amanya go?

**Okello:** Nze Christopher Okello Onyum, nnina emyaka 39.

**Omulamuzi:** Ka nkuddiremu emisango kikusobozese okwewozaako ng'ojjukira bulungi egikuvunaanibwa. (Amusomera emisango gy'okutta abaana era n'ayanukula nti gyonna agitegedde). Kati balooya kabakuyitiremu oluvannyuma obuulire kkooti ebibyo.

**Kumbuga:** Okello buulira kkooti amanya go.

**Okello:** Nze Christopher Okello Onyum nnina emyaka 39.

**Kumbuga:** Okola mulimu ki?

**Okello:** Ndi mulimi.

**Kumbuga:** Olimira wa?

**Okello:** Nwoya District

**Kumbuga:** Wali obeera wa nga tonnasibwa?

**Okello:** Nnali mbeera Kyanja.

**Kumbuga:** Kyalo ki?

**Okello:** Ekyalo sikimanyi?

**Kumbuga:** Ogwo gwokka omulimu gwe wali okola?

**Okello:** Yeee

**Kumbuga:** Oli Munnayuganda?

**Okello:** Ndi Munnansi wa America.

**Kumbuga:** Nga tonnafuuka Mumerica, walina obutuuze obulala?

**Okello:** Nazaalibwa mu Uganda.

**Kumbuga:** Buulira kkooti ku misango egikuvunaanibwa.

**Omulamuzi:** Tubuulire abajulizi bameka b'olina. Era bw'oba tolayidde, obuulire kkooti emboozi yo.

**Okello:** Ka nfune notisi zange (obwedda obujulizi abusoma ku kapapula nga bw'abuulira kkooti).

**Omulamuzi :** Kale zifune.

**Okello:** Sirina musango gwonna kw'egyo egyanvunaanibwa kuba saalina kigendererwa kyonna era nnina bye nsobola okunnyonnyola. Nsobola okunnyonnyola ku engeri abaana gye baafaamu era tekyali kigenderere.

Noolwekyo ng'enda kugamba nti oweekitiibwa omulamuzi saakikola nga ng'enderedde era emisango tegirina kubaawo kubanga oludda oluwaabi lwaleeta sitementi nti nakkiriza naye bankaka okubikkiriza kuba sakkirizibwa kunnyonnyola.

Nakakibwa okwogera kye baali baagala okuwulira mu kaseera ako. Oludda oluwaabi era baaleeta obujulizi nga bagamba nagenderera era baasangamu ekiwadiiko ekyogera ku lutalo kye nnali nsoma olw'e China nali nakiteekako dda nga ndi mu Uganda. Kituufu nabirina naye tebirina we bijjira mu kutta abaana era nabategeeza nti saalina kigendererwa kulwana ntalo.

Nakiteeka ku 'flash disk', tekwali kugenderera kutta baana. Oludda oluwaabi lwaleeta obujulizi n'ebizibiti nga bagamba nakola kino nga ng'enderedde nga nkirowoozezzaako naye okugeza obutambi bwe bagamba obwa ISIS nga basala abantu emitwe n'okunoonya ku busomero bw'abaana.

**Omulamuzi:** Bw'omaliriza ong'amba kuba mw'eno enkola tewali akubuuza.

**Okello:** Yee owekitiibwa, obutambi obwo bwaliwo mu kiseera ... ebintu ebyo saabikola nga ng'enderedde. Okuwumbawumba kye bagamba nti natta ng'enderedde, sikkiriza nti nakola obutemu buno nga ng'enderedde y'ensonga lwaki nsaba emisango egyo gyonna ogigobe.

Nja kunnyonnyola mu ngeri ey'enjawulo lwaki nzikiriza nti nakakibwa okukola bwentyo. Yee, obutemu saabugenderera naye engeri eyo tugenda kwesigama ku bizibiti ebyaleeteddwa oludda oluwaabi. Ebyakolebwa saabigenderera era poliisi yagendera ku sitetimenti bw'etyo eyakolebwa.

**Omulamuzi:** Omazeeyo?

**Okello:** Sinnaba njagala bino bigende ku likodi ya kkooti.

**Omulamuzi:** Obujulizi wabutuulidde egguIo.

**Okello:** Kale Kale. Njagala kulaga engeri gye kisoboka nti nalina ekirowoozo bwe kityo wabula tekiwagira butereevu nti nakikola wabula nga kisoboka nti nakikola era nga omuwawaabirwa, obutemu nabukola sigenderedde.

**Omulamuzi:** Tewali muwawaabirwa, gamba nti nze.

**Okello:** Kale ng'amba nti nze omusajja ow'enneeyisa ennungi, ayagala ate oweekisa, nga mbeera bbize era ndi mukozi nnyo, ndi mugagga era owoomugaso noolwekyo n'obujulizi obwo tewali gye nnyinza kuggya kirowoozo ekyo.

Ebiseera by'omu maaso nnina bye nsuubira okutuukiriza n'abazadde ab'okulabirira, bizinensi ey'amaanyi gye nkolako era nsobola okubaako kye nkola okubeera obulungi.

Sisobola kugamba butereevu nti natta okusinziira ku byaliwo, nnina obuzibu bwe mpitamu, embeera si nnyangu, wayinza okubaawo ekinkwata kye sisobola kwang'anga. Naye nnina amaanyi n'abanjogerako nti ndi mulungi omuli ne kitange n'abanjazika ettaka e Nwoya.